# Pearl bbanka ekoze amagoba ga buwumbi 47 mu 2025

Bya DICKSON KULUMBA

PEARL bbanka eyongedde okweriisa enkuuli mu kisaawe kya zi bbanka bw'ekoze amagoba ga buwumbi 47 n'obukadde 300.

Okweyongera kuno kuvudde ku buwumbi 35.4 ezaafunibwa mu 2024 nga zeeyongeddeko ebitundu 34 ku buli 100 mu mwaka gwa 2025 awo abagiddukanya ne bawa bakasitoma essuubi nti ebiseera bya bbanka eno eby'omu maaso bitangaavu.

Bino byayanjuddwa mu ttabamiruka waayo eyabadde ku kitebe kya minisitule y'ebyensimbi mu Uganda e Nakasero mu Kampala olunaku lw'eggulo n'okulaga ebizze bikolebwa bukya bbanka eno ekyusa erinnya mu mwaka gwa 2025.

Minisita w'ebyensimbi, Matia Kasaija yategeezezza ng'enkola ya bbanka eno bw'eri endabirwamu eraga ebyenfuna bya Uganda nga bwe bitambula mu kiseera kino n'agisaba eyongere okuteeka ensimbi mu bitumbula enkulaakulana.

Akulira emirimu mu bbanka eno, Julius Kakeeto yategeezezza nti, ekimu ku bibayambye okukola obulungi, y'enteekateeka ekozesa tekinologiya eyitibwa Wendi wallet ng'ensimbi eziyita mu nkola eno zaaweze obuwumbi 240 n'obukadde 500 okuva ku buwumbi 45 n'obukadde 500 mu 2024. N'agamba nti, n'engeri gye bakolamu ne bategeka emirimu gyabwe eginaatambuzibwa mu bbanga eddene kibayambye okutuuka ku kiruubirirwa kyabwe eky'okubeera bbanka y'eggwanga etumbula enkulaakulana n'ebyensimbi bya bannansi.




Minisita w'ebyensimbi, Matia Kasaija (owookusatu ku ddyo), Minisita omubeezi ow'okusiga ensimbi, Evelyn Anite (owookubiri ku ddyo), Joseph Areu (owookubiri ku kkono) akulira Pearl bbanka, Julius Kakeeto (ku kkono) ne bammemba ba bboodi ya Pearl bbanka mu ttabamiruka e Nakasero.

"Bbanka eno emirimu gyayo egitambuliza ku nteekateeka ya Gavumenti ey'ebyenkulaakulana okugeza NDP IV eruubirira okuleetawo enkulaakulana ey'omuggundu ekwata ku buli muntu mu Uganda," Kakeeto bwe yagambye.

Mu 2025, bbanka yayingizza wonna awamu obuwumbi 298 okuva mu looni ezigabibwa, okusiga ensimbi n'engeri endala.

Kakeeto yategeezezza nti, bakasitoma beeyongedde okwesiga bbanka eno nga bagiterekamu ssente nnyingi. Mu 2025 baaterekamu obuwumbi 1042 okuva ku buwumbi 990 ezaaterekebwamu mu 2024 ng'okweyongera kuno kuweza ebitundu 43 ku buli 100.

Bbanka eno eyongedde okugaziya ensawo yaayo ewola ssente nga kati erimu obuwumbi 749, ekiraga obweteefuteefu bwayo okwongera okuwola bannansi ate ku magoba agasoboka.

Minisita omubeezi avunaanyizibwa ku kusiga ensimbi, Evelyn Anite yatenderezza bbanka eno n'agamba nti, efuuse kyakulabirako kya bbanka ennansi ate erina obusobozi okuvuganya ne bbanka eng'undiivu mu mawanga amalala.

Ssentebe w'olukiiko olufuga bbanka eno, Andrew Otengo Owiny yagambye nti, obukulembeze bbanka eno bw'erina, bugiyambye okutuukiriza ebintu bingi ebitegekebwa okukola ate n'alaga ng'okweyubula okuva ku linnya lya PostBank okudda ku Pearl Bank, bwe kibayambye okwongera okuwa bannansi obuvumu obubeesiga.